

# OKUDDUKANYA N'OKUKOZESA EBYUUMA MUKIROMBE N'OBWEGENDEREZA

Buli lwokozesa ekyuuma kyona mukusima oba okulongosa zaabu, TEKAAWO EMITENDERA OKWEKUUMA GWE N'ABALALA ABAKULIRAANYE. Goberera emitendera gino okuddukanya ebyuuma mukirombe n'obwegendereza:



1. Buli kyuuma kiyina okubaako omukugu waakyo obudde bwona.



2. Toddukanya byuuma nga okozeseza ebiragalalagala oba omwenge.



3. Tewebaka nga oddukanya ebyuuma.



4. Tokiriza baana ob'abantua balala okunganira okumpi n'ebyuuma.



5. Bulijjo yambala engoye ezisaanidde nga helementi, ebikuuma amatu, ebibikka amaaso, gambutu, giravuzi ne akakokolo.



6. Tokwaata ku bitundu by'ebyuuma ebitambula.



7. Fuba okuyimiranga mukifo ekitali kya bulabe nga odukkanya ebyuuma.



8. Tonywa mazzi gakozezebwa mu mirimu gy'ekirombe.



9. Mansa amazzi mukirombe wokolera okukendeeza kunfuufu.



10. Wewale okumansa amazzi ku waya z'amasanyalazze.



11. TOKUUMA muliro okumpi n'ebyuuma.



12. Amangu ddala longosa woilo yenna ayiise oba enfuufu.



13. Jjako, olongoose ate otereke bulungi ekyuuma nga omazze okikozesa.



14. Kanika ekyuuma kyona ekifudde amangu ddala.

## ABADDUKANYA EKIROMBE BATEEKEDWA:



1. Okukakasa nti abakola mu byuuma batendekedwa.




2. Okubaga n'okuteeka munkola amateeka agafuga ekirombe.




3. Okukuuma ebiwandiiiko ebifa kukirombe.



4. Okutandikawo entegeka y'okudaabiriza ebyuuma buli wiiki.



5. Okukakasa nti waliwo ekitangaala ekimala ewali ebyuuma mu kirombe.



6. Okussa ebiziyiza kubyuuma byona ebitambuzibwa mu kirombe.



7. Okutekawo ebiziyiza omuliro.